# Batongozza okuzimbira Kitante P/S ebibiina

Bya HANNINGTON NKALUBO

MINISITA wa Kampala, Hajjat Minsa Kabanda ne mmeeya Salim Uhuru batongozza okuzimba ekizimbe ky'essomero lya Kitante P/S kya myaliiro ebiri kiyambe okukendeeza ku mujjuzo ogweyongera buli mwaka.

Okuzimba kwatandise ku Ssande n'okutema evvuunike ku ssomero wakati mu ssanyu okuva mu bazadde n'abalikulira. Uhuru ye yatuukirira abakulira ekimu ku bibiina ebigatta abayindi mu ggwanga ekya Bangal Association Uganda nga kikolaganira wamu ne Balaji Group East Africa Ltd n'abasaba bayambe ku masomero.

Beeyama okukola pulojekiti egatta Bannakampala nga kati bazimbira abayizi ekizimbe kya bibiina 4 nga kya myaliiro ebiri. Kigenda kumalawo akawumbi ka ssente kamu. Minisita Kabanda, Uhuru, bakkansala n'abakulira essomero lino erya UPE ssaako aba LC abaakulembeddwa Nnaalongo Mary Kahiire baabaddewo.

Akulira essomero lino, Jane Kyakuwa Mugisha n'akulira olukiiko olufuzi, Dr. Tom Balojja baasanyukidde obuyambi buno ne bategeeza nti essomero lirina abayizi 3,500 kyokka balina ebibiina 22 byokka.

Bakojja yagambye nti buli kibiina kisomeramu abayizi 180 olw'omujjuzo ogususse. "Omusomesa abulwa w'ayita okutuuka ku bayizi mu kibiina abatuula emabega era bwe muba mutuyamba okutuzimbira ebibiina, kituwadde essanyu," Kyakuwa bwe yategeezezza.

Abazimba ekizimbe beeyamye nti ssente zonna weeziri naye ekizibu kiri ku bayinginiya ba KCCA abalwawo okuyisa pulaani ne beeyama nti singa bafuna pulaani, ekizimbe kyakutwala emyezi etaano gyokka okuggwa.

Abakulira Joy Chowdhury eyabadde ne Piali ne Sashe Dhan ssaako Sitwanam, baasuubizza nti, oluvannyuma lw'okumaliriza ekizimbe, baakukola ne pulojekiti endala kuba essuubi ly'eggwanga liri mu baana abasaana okukuzibwa obulungi.

Uhuru yagambye ekizimbe kye kimu kyazimbiddwa ku ssomero lya Nakivubo Blue ate nga bwe yalondeddwa okutuula ku lukiiko lwa NRM olufuzi CEC akyasakira amasomero amalala ebintu bingi.



HANNINGTON NKALUBO

Kabanda (ataddeko akakaaya) mu kutema evvuunike ku ssomero lya Kitante. Mu mujoozi omuddugavu ye Uhuru n'abayindi.